

## **EBISUBIZO BYA KATONDA EBY'AYITA, EBYA KAKANO N'EBY'OMUMAASO**

Bw'onomala okusoma akapapula kano ojja  
Kumanya okuddibwamu kw'ebibuuzo binno.

1. Bisubizo kii Katonda by'eyakola mu Baibuli?
2. Bisubizo kii Katonda byeyamala okutukiriza?
3. Tutegeera tutya nti Katonda alitu kiriza ebisubizobye?
4. Bisubizo kii Katonda by'alina okuutukiriza?
5. Katonda yakolayo ebisubizo en ggwe?

Ffena tewali atafunangako kisuubizo naye ate nekirema okukoleebwa. Ebimu ku binno biyinza okuba nga by'akolebwa banabyanufuzi ng'okulonda ku natera. Naye bitono kw'ebyo ebisuubizibwa ebikoleebwa. Ab'olyaawo bakama baffe ku mirimu, oba emikwano tebakolanga bye baba batusuubiziza okutukolerako. Naye ate ekisinga okuluma, emirundi

Minigita balamereddwa okutukokera ebyo  
byebaba batusubiza. Ekirungi kya  
Katonda ye teyeyisa lw'atyo.  
*"Ajjudde obulungi n'amazima"* (Okuva 34:6).  
Katonda akuuma ebisubizo bye. Kuba-  
nga ye amanyi byonna ate afuga  
ensi, ebisubizo bye tebirirema.

1. Bisubizo ki Katonda by'eyakola mu Baibuli?  
Katonda yakola ebisubizo bingi. Waliwo  
wano ebimu ku ebyo:  
Eri Moses Katonda yagamba nti: *"Naye  
Mazima ddala, nga bwendi omulamu, era.  
Nga ensi zonna bwe zirijjala ekitiibwa  
kya Mukama"* (Okubala 14:21). Kinno kyikaka-  
sa ng'abantu bwe batalisobola kuzikk-  
iriza nsi.

Eri dbulaamu (Jbulaayimu), eyafuuka kitaawe  
w'Abayudaya, Katonda yagamba nti:  
*"Ndikufuula eggwanga eddene; era naak-  
uwanga omukisa, era naakuzang'a erinnya*

*lyo; era beeranga mukisa ggwe; Nange  
naagawanga omukisa, abanaakusabiranga  
ggwe omukisa, n'oyo anaakukolimiranga  
naamukolimiranga nze; ne mu ggwe  
ebika byonna eby'omu nsi mwe  
bireweerwa omukisa"*(Oluberyeberye 12:2, 3).

Mukama bw'eyakulembere Ibulaayimu  
okumutwala mu nsi eye Kanaani  
(Isiraeri), Yamusuubiza nti: *"Ensi yonna  
gy'olabye, ndigiwa ggwe, n'ezzadde lyo emir-  
embe gyonna. Era ndifuula ezadde lyo  
ng'enfuufu ey'oku nsi"*(Oluberyeberye 13:15, 16).

Katonda yadamu ebisubizo nate eri  
Omwana wa Ibulaayimu, Isaaka, ate  
n'eri omuzukulu we, Yakobo (Oluberyeberye 26:4 ne 28:13, 14).

Amawanga ag'amaanyi, okugeza ngg  
Babuloon'i, tegakyaliwo. Naye Katonda  
yakola ekisubizo ky'enjawulo eri  
eggwanga lya Isiraeri: *"Kubanga nze  
ndi wamu naawe, bw'ayagera Mukama*

*okukulokola: kubanga ndimalirawo ddala  
amawanga gonna gyo nnakusaasaanyiza,  
naye ggwe siri kumalira ddala” (Yeremiya 30:11).*

Abayudaya basaasaanyizibwa mu nsi  
yonna, naye ng’ate webali nga eggwanga.  
Lumu Omusajja omu yabuuza ekibuuzo kinno  
nti, *”Kyaama ki ekiri mu muyudaya atafu?”*.  
Ekyama kiri nti, Abayudaya bantu ab-  
alondeebwa Katonda n’okuba abajjuli be  
ku nsi. Katonda alina entegaka nnyi-  
ngi gye bali. Tujja kuzitunalirako  
oluvanyuma.

Kabaka Dawuki yali kabaka  
ow’amaanyi mu Isiraeri, Omusajja  
alijjanga omutima gwe ye (1 Samwiri 13:14).  
Olw’ensonga eno, Katonda yakola eki-  
Subizo eky’ekyewunyo naye nti: *”Ennaku  
zo ... ndissaawo ezzadde lyo eririddawo  
eririva munda yo era ndinyweza  
obwakabaka bwe. Era ndinyweza entebe*

*ey'obwakabaka bwew ennaka zonna"*  
(2 Samwiri 7:12-16).

Paulo omutume atabulira nga ebi-  
subizo binno bwe biritukirira mu

Yesu Kristo. Ono ye *"mwana wa Dawudi*

*asinga obukulu: ennyo"* ate omulokozi w'ensi.  
Peetero agamba nti: *"Katonda alituuzza Kristo*

*ku ntebe ye"*(Ebikolwa By'Abatume 2:29-32).

Yesu yazuukira mu bafu nga Katonda

bwe yasubiza mu Zabbuli 16:10. Olunaku

lumu alidda okuba kabaka ng'afugira ku

ntebe ya Dawudi e Yerusaleemi (Ebikolwa By'Abatume 1:11;

Okubikulirwa 11:15; Matayo 5:35). Katonda

yasubiza nti: *"ba kabaka bonna balimuvana*

*miranga mu maaso ge"*(Zabbuli 72:11).

Katonda y'akakasa ebisubizo binno

ebikwata ku Yesu eri Malyaamu, maama.

We, ng'ayita mu malayika: *"Mukama ali-*

*muwa entebe ya Dawudi jjajjaawe ... so*

*obwakabaka bwe tebuliggwaawo"*(Lukka 1:32, 33).

Katonda alina ebisubizo ebirala

bingi mu Baibuli by'eyakola.

Kyoka tumaze okutunulirako bingi ku ebyo, okusobola okukulaga nga Katonda bw'alina entekateka eri ensi eno, n'eri: Abulaayimu, Isaaka, Yakobo, Dawudi, Yesu n'Abayudaya.

2. Bisubizo ki Katonda byeyatuukiriza oba okusa munkola?

Ekisubizo kya Katonda eri Ibulaayimu, Isaaka ne Yakobo, nti ndifufuula Isiraeri eggwanga eddene, kyo yakikola. Ate era yatuukiriza (Katonda) ekisubizo kye eri Abayudaya eky'obutasanyizibwaawo ddala, nnewa kubadde nga bayiganyizibwa nnyo bya kitalo. Yesu yazuukira mu bafu nga Katonda bwe yasuub'iza.

Naye ate era, Katonda akyalina ebisubizo bingi ebikulu by'alina okuutukiriza.

3. Tutegere tutya nti Katonda ajja Kuukiriza ebisubizo bye?

Kinno tukimanyi olw'ensonga ennungi bbiri:

- a) Buli ekimu ku bisubizo Katonda by'eyak-ola ekyikwata ku byayita, y'abituukiriza. Kino kituwa okuba abugumu nti Katonda ajja kutuukiriza n'ebyo ebikyasigalidde eby'o-mu maaso.
- b) Amaanyi ga Katonda ga nkomeredde Teri kiyinza kusoba ku ntegeka ze, eziri mu maaso.

4. Bisubizo ki Katonda by'alina okutuukiriza?

Abulaayimu tanaba kusikiria nsi ya Isiraeri ng'eky'obusikabwe obw'oluberera. Era amawanga gonna ag'oku nsi teganaba Kufunira mukisa mu Ibulaayimu (Ekitabo ky' Abaebbulaniya 11:13) kigamba nte: *Ibulaayimu, Isaaka ne Yakobo "baafiira mu kukkiriza, nga tebaweereddwa ebyasuubizibwa."* Kikyasoboka kinno? Yee. Katonda Alibazuukiza okuva mu bafu, nga bwe

yazuukiza Yesu. Awo nno Katonda alyoke  
atuukiriza ebisuubizo bye. Yesu mwenyini  
yagamba nti Ibulaayimu, Isaaka ne Yacobo  
balibeera mu bwakabaka bwa Katonda (Lukka 13:28).  
Yesu tanaba fuuka kabaka, atula ku ntebe  
ya Dawudi. Naye kinno kiriberewo ng'a-  
komyewo ku nsi (Ebikolwa By'Abatume 3:19-21).  
Abayudaya bakyaliwo nta eggwanga.  
Badayo mu Isiraeri, ensi Katonda gye  
yasuubiza Ibulaayimu. Kino kye kitundu  
ekisooka eky'enkulakulana ya Katonda  
gyalinayo gye bali, kubanga, agamba  
nti: *"Oyo eyasaasanya Isiraeri ye  
alimukujjaanya, era anaamukuumanga  
ng'omusumba bw'akuuma ekisibo kye"*  
(Yerimiya 31:10).  
Olvanyuma olw'ebiseera eby'okugezes-  
ebwa, Abayudaya balifuna omukisa gwaabwe  
Katonda gwe ybasuubiza nti: *"Kale  
bwe batyo banaabanga bantu bango,*



*nange naabanga Katonda waabwe. Era kabaka omu (Yesu) ye aliba kabaka waabwe bonna”*(Ezeekyeri 37:22, 23).

5. Katonda yakolayoko eebisuubizo eri ggwe? Kituufu, kinno yakyikola – bw’oba ng’o – li mwetefutefu okukola ebintu bibiri binno:

- a) Kiri’za amawulire eg’essanyu ag’obw-akabaka bwa Katonda, obatizibwe (Makko 16:16); n’o
- b) Okwagala Yesu Kristo n’okukuuma ebirigaro bye (Yokaana 14:21).

Kiki Katonda ky’akusuubiza binno bw’oba nga obikoze? Kugabana ku mikisa egyo gyonna gye tumaze okusomako. Kubanga, *”Tewali muyudaya oba omunaggwanga ... muddu newakubadde ow’eddembe ... musajja oba na mukaze; Kubanga mmwe mwenna muli omu mu*

*Kristo*”(Abaggalatiya 3:28).

Kyifumintirizzeko kino. Katonda yakusuu-Biza okukuzuukiza mu barfu. Oyinza okufuna obulamu obw’oluberera. Oyinza okuba ne Yesu mu bwakabaka bwe emirembe n’emirembe.

Eri abo abakkiriza abatuufu, obulamu bwa kakati ssanyu gyerere. Ebisuubizo binno ebirungi bireeta emirembe mu myoyo gyaabwe. *“Essuubi lino teribuusibwabuusibwa era rinywevu, era eriyingira mu nda w’eggingi”* (Abaebbulaniya 6:19).

Katonda okuyita naawe ogabane kubisuubizo binno ebikulu byi yakola. Okufuna ebisuubizo, olina *“okutya Katonda, n’okukuuma ebiragiro bye, gunno gwe mulimo gwoona ogw’omuntu”* (Omubuulizi 12:13).

Kola ekyo, ne ku lw’ekisa kya Katonda oliberawo emirembe n’emirembe. Kino ky’ekisuubizo.



